OKWEKENEENYA EBIZIBU ABAYIZI BA KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY

BYE BASANGA MU MPULIZIGANYA

TAGULWA MADINA

BAE/1138/DU

ALIPOOTA Y'OKUNOONYEREZA OLW'OKUTUUKIRIZA EBISAANYIZO BYA DDIGULI EYA BACHELOR OF ARTS WITH EDUCATION MU KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY

OMULUNGGAMYA

MS. NABICCU SARAH

MUSEENENE 2010

OKUKAKASA OBUSOOSI

Tagulwa Madina, Nkakasa nti alipoota y'okunoonyereza eno evudde mu nyi gange era tewebwangayo muntu yenna kufuna ddiguli mu yunivasite na.

ukono:TAGULWA MADINA Ennaku z'omwezi:.....

TAGULWA MADINA

OKUKAKASA KW'OMULUNGGAMYA

ıgulwa Madina abadde akola okunoonyereza ku mutwe ogugamba nti; **"Ebizibu ɔayizi ba Kampala International Universite bye basanga mu mpuliziganya"** nga mulungamya nkakasa nti kuwedde era mu kiseera kino alipoota etuuse ‹uwebwaayo mu kitongole kya; "Language and Literature" ekya Kampala ternational University.

mulungamya:.....NABICCU SARAH.....

mukono:..... Ennaku z'omwezi:.....18/10/20.....

OKUWONGA

Ntuusa okusiima kwange eri abantu abakoze ennyo obutaweera mu kusoma kwange nga si balala wabula Omwami n'omukyala Kiyingi Abdu wamu n'omukyala Kibirige Hadijah. Bannange we mwaggya Omukama abaddizeewoi era abawangaaze.

OKWEBAZA

Jebaza abantu ab'enjawulo abaasobozesezza okuwangula emisomo gyange. Omulungamya wange Omukyala Nabiccu Sarah, nnyabo weebale butandekelera buli lwe naletanga alipoota okugitunulamu. Omukama akuwe omukisa mu byonna by'osaba okufuna.

Omwami Matovu Charles naawe weebale okunkubiriza wamu n'okunsomesa. Omukama akuweere empeera.

Mukwano gwange Nalumansi Harriet, munnange siyinza nakwogera kubanga obaddewo nnyo okulaba nti emisomo gyange njikuba oluku mu mutwe, wabula Mukama y'aba akusassula entuuyo zo!

Mwami Kyeyune, ssebo naawe onkoledde eby'ettendo mu kusoma kwange era Omukama akuweere empeera!

OKUNOONYEREZA MU BUFUNZE

Okunoonyereza kuno kweesigama ku mutwe; ***"Okweekeneenya Ebizibu Abayizi ba Kampala International University bye basanga mu mpuliziganya."***

Okunoonyereza kuno kweesigama mu ttendekero lya Kampala International University okuviira ddala ku bayizi b'omwaka ogusooka (1st Year) okutuuka ku gw'okusatu ate wamu n'abo abaakuba oluku mu mutwe emisomo gyabwe.

Ettendekero lya Kampala International University lissangibwa Kansanga mu Ggombolola y'e Makindye mu disitulikiti ye Kampala.

Omunoonyereza yeekeneenya ebizibu abayizi mu ttendekero eryo waggulu bye basanga mu mpuliziganya nga mwe muli abayizi wamu n'abasomesa (lecturers) okwekwata omusobooza, ekikula ky'omuntu gamba ng'entunula embi, embeera y'obudde ng'enkuba, endowooza z'abantu ab'enjawulo, obutaba na kwagala okuva ku kyokola, eby'obufuzi, embeera y'omuntu embi, obufunda bw'ettendekero lino, obulemu ku mubiri gw'omuntu, n'ebizibu ebirala nga bwe biri mu bulambulukufu mu maaso eyo.

Omunoonyereza yeeyambisa ebibuuzo ebyogere ng'abuuza abayizi ebizibu bye basanga mu mpuliziganya.

Ebibuuzo ebiwandiike nabyo byeyambisibwa, omunoonyereza, ng'omunoonyereza abiwandiika ng'abuuza ebizibu abayizi bye basanga mu mpuliziganya.

Omunoonyereza yawa abayizi ba Kampala International University, abakulu b'ettendekero wamu nabakulembeze mu ttendekero eryo, okutwaala empuliziganya ng'ekyomuwendo nga bagula ebyuma bikalimagezi nga "Projector", obuzindaalo, okugaziya ku bibiina ebisomerwaamu, olwo lwe banaasobola okuyitira waggulu.

Kale nno abakulu b'ettendekero lino tebasaanye kwekwaasa nkuyanja ya bayizi nti yeeremesa empuliziganya ennungi wabula balina okuluma n'ogwengulu okusobola okutumbula empuliziganya nga bayita mu kwekeneenya ebizibu ebyo ebisangibwa mu mpuliziganya okuva mu ttendekero lyabwe.

EBIRIMU

OKUKAKASA OBUSOOSI.....i

OKUKAKASA KW'OMULUJJAMYA.....ii

OKUWONGA.....iii

OKWEBAZA.....iv

OKUNOONYEREZA MU BUFUNZE.....v

ESSUULA ESOOKA

OBUVO.....1

OKWANJULA BW'OKUNOONYEREZA.....3

OBUKULU BW'OKUNOONYEREZA.....3

EBIGENDERERWA BY'OKUNOONYEREZA.....4

OBUGAZI BW'OKUNNONYEREZA.....4

OMUGASO GW'OKUNOONYEREZA.....4

OKUNOONYEREZA AMAKULU G'EBIGAMBO 5

ESSUULA EY'OKUBIRI

OKWEKENEENYA EBIZIBU 6

EBIZIBU ABAYIZI BA KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY BYE BASANGA MU MPULIZIGANYA.....6

OKUTEMA EMPENDA EZ'OKUYIMUSA OMUTINDO GW'OLULIMI OLUGANDA WAMU N'EMPULIZIGANYA.....6

ESSUULA EY'OKUSATU

NGERI OKUNONNYEREZA GYE KWAWUNDIBWAMU 11

KIFO OMWAKOLEBWA OKUNOONYEREZA 11

OBUNGI OBA OBUGAZI BW'OKUNOONYEREZA 11

NGERI Y'OKUNOONYEREZA N'EBYAKOZESABWA 11

MITENDERA OMWAKUJJANYIZIBWA OBUBAKA 12

ESSUULA KY'OKUNA

OKWANJULA EBYAKUJJANYIZIBWA N'OKUBINYONNYOLA 13
OKUZUULA OMUWENDO G'WABAYIZI MU BULI SSOMO 13
OMUWENDO GW'ABASOMESA ABASOMESA 13
EBYEYAMBISIBWA MU KUTUUSA OBUBAKA KU BAYIZI 14
EBIZIBU ABASOMESA BYE BASANGA MU MPULIZIGANYA 15
OBUGAZI BWA UNIVERSITY.....16

ESSUULA EY'OKUTAANO

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO, OKUFUNDIKIRA N'EBIJULIRO 17
MPENDA KI EZISOBOLA OKUTEMWA OKUTUMBULA EMPULIZIGANYA WAMU N'OLULIMI OLUGANDA..17
OKWERERRA 21
OKUFUNDIKIRA.....21
EBIJULIRO 22

AKAWAAYIRO 1, II 23
EBIBUUZO EBY'OKUDDIBWAMU ABAYIZI 23
EBIBUUZO EBY'OKUDDIBWAMU ABASOMESA 25

ESSUULA ESSOOKA

ENNYANJULA

UBUVC

Kampala International University lye limu ku mattendekero amakulu agamannyiddwa wano mu Uganda nga lyatongozebwa ne gavumenti era litikkira abayizi buli mwaka nga liyita mu kusomesa koosi ezitali zimu gamba nga; Bachelor of Arts with Education, Human Resource, Guidance and Counseling, Information Technology, Mass Communication n'amasomo amalala mu Kampala International University.

Wabula buli muyizi atendekebwa okukuguka mu koosi emu alina kuyita mu kufuna mpuliziganya nnungi ng'ayita mu kutwala amasomo agenjawulo ng'ebyafaayo olulimi oluganda okubala nebirala ntoko, kino nno kimusobozesa okuyitira waggulu singa aba n'empuliziganya ennungi. Si muyizi yekka naye ate nabasomesa (Lecturers) kibasobozesa okweyongera okuyiga abayizi babwe wamu n'okumanya ebyetaagisa mu ttendekero lino erya Kampala International University.

Okusobola okuwuliziganya obulungi (Effective Communition) ebintu nga bino; okuwandiika, okwogera, okusoma, okukozesa obubonero byeyambisibwa abasomesa, wamu nabayizi okusobola okufuna obubaka obulungi ku njuyi zombie ebbiri omusomesa wamu n'omuyizi.

Nga omusomesa ayita mu kuwandiika ku lubaawo wamu n'okwongera abayizi bayambibwa okulaba ate n'okuwulirira ebyo byaba ayogera wamu n'okusomesa olwo omulimu gwe ne gugenda bukwakku ate n'omuyizi n'ayambibwa okusoma wamu n'okuyita obulungi ebigezo.

Kale ng'omunoonyereza asinziira ku nsonga ezo waggulu mu bufunze, nate yazuulira ddala kannyamberege wasibuka mu mpuliziganya mu okuva mu ttendekero lya Kampala International University, anti empuliziganya embi tesobola kusobozesa bayizi kuyita bulungi masomo gaabwe kino ne kimuviirako okufuluma nga wa kibogwe. Olwo ate ttendekero nga Kampala International University ne livumirirwa ekitali kirungi.

Mu mpuliziganya tulina abantu babiri abayamba obubaka okuba obulungi mu mbeera eno atuusa obubaka ku muntu oba abawuliriza (Receiver) assaanye okweyambisa ebimu ku bino ku lulimi lwaba asazeewo okweyambisa ng'olungereza, oluswayiri, oluganda n'endala. Naye ate omulala ayinza obuteeyambisa bigambo (non verbal communication) wano nno atuusa obubaka ku bantu aba tayoyera naye ng'akozesa obubonero okugeza okunyeenya omutwe, ate omuntu ayinza okukozesa amaaso okulaga obukambwe oba ekisa singa aba akkiriziganyiza n'ekyogeddwa ate oli ayinza n'okukozesa engalo ngasinziira ku bubaka bwaba ayagala okutuusa ku bantu oba ku muntu.

Mu ngeri zino zonna, abantu bano beeyambisa amakubo ag'enjawulo okusobola okuwuliriza wamu n'okufuna obubaka nga beeyambisa emikutu gy'empuliziganya egy'enjawulo gamba nga ladiyo, televizoni, enggoma, enggombe n'ebirala nfanfa.

Okusobola okuwuliziganya obulungi nannyini bubaka wamu n'amuliriza basaanye okuba n'okwagala okusobola okufuna obulungi obubaka.

Newankubadde guli gutyo naye empuliziganya mu Kampala International University okusinziira ku munoonyereza, abantu abayigirayo baategeeza nga bwerina ebizibu ebyenjawulo gamba ng'enkula y'omuntu (personality), embeera y'obudde ng'enkuba ennyngi etangira omusomesa okutuusa obubaka ku bayizi endowooza z'abantu ab'enjawulo, ebbula ly'abasomesa, obukoowu, obutaba na kwagala, eby'obufuzi, obulemu ku mubiri gw'omuntu, obufunda bw'ettendekero, enkolagana wakati w'omuyizi n'omusomesa n'ebizibu ebilara kamaala ebiri mu Ssuula ey'okubiri mu bulambulukufu bwabyo.

OKWANJULA EKIZIBU

Empuliziganya ennungi kye kimu ku bintu ebiyinzi okuyamba ba Kampala International University okuyita amasomo gaabwe obulungi. Naye ekya kabi abayizi basanga obuzibu mu mpuliziganya olwo ebigezo ne bibamegga era eno y'ensonga lwaki Omunoonyereza yasalawo anoonyereze ebimu ku bizibu abayizi abo bye basanga mu mpuliziganya.

OBUKULU BW'OKUNOONYEREZA

Essomo lino lyayamba okunoonyereza ebizibu abayizi ba Kampala International University bye basanga mu mpuliziganya.

EBIGENDERERWA BY'OKUNOONYEREZA

(a) Okweekeneenya ensoma y'abayizi mu kampala International University.

(b) Okutema empenda okuggyawo ebizibu mu Kampala Internatioanl University abayizi bye basanga mu mpuliziganya n'okuyimusa omutindo gw'olulimi oluganda.

OBUGAZI BW'OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kwakolebwa mu ttendekero lya Kampala International University, esangibwa e Kansanga mu Makindye Division wano mu kibuga Kampala.Essira lyassibwa ku bayizi okuviira ddala mu mwaka ogusooka n'okutuuka mu gw'okusatu, anti buli mwaka abayizi baali bafuna ebizibu ebyenjawulo mu mpuliziganya ekibaleetera ebigezo okubamegga.

OMUGASO GW'OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kuno kwayamba abantu ab'enjawulo; abayizi, omunoonyereza ng'ayita mu kuzuula ebizibu abayizi ba Kampala International University bye basanga mu mpuliziganya, empenda zaatemwa okusobozesa abayizi okuyita obulungi amasomo gaabwe.

Abakulu ba "university" eno nabo baayambibwa bwe baazuula ebizibu abayizi baabwe bye basanga mu mpuliziganya okusobozesa abayizi baabwe okuyita obulungi amasomo gaabwe ag'enjawulo. Abasomesa (lectures) nabo bayambibwa anti baayambibwa okumanya engeri abayizi baabwe gye basomamu ate n'okumanya engeri ennungi eyempuliziganya gye balina okweyambisa nga basomesa.

Abakozi mu bitongoleby'enjawulo naddala abakozi ku laadiyo baayambibwa bwe baakimanya nti empuliziganya ennungi oba embi eremesa obubaka okuba bulungi.

Abantu ababulijjo, baaganyulwa naddala bwe baamanya nti empuliziganya y'efuga omuntu mu buli kyakola wamu n'obulamu bwe obwa bulijjo.

OKUNOONYEREZA AMAKULU G'EBIGAMBO

Ntoko; Ebintu okuba ebingi gamba ng'amasomo agasomesebwa mu Kampala International University.

Okusowagana: Abantu ababiri singa bafuna obutakaanya okuva ku nsonga ezitali zimu

Kamaala; Ebintu okuba ebingi

ESSUULA EY'OKUBIRI

OKWEKENEENYA EBIZIBU ABAYIZI BA YUNIVASITE BYE BASANGA MU MPULIZIGANYA MU KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY

ENNYANJULA

Bulijjo empuliziganya ennungi ku njuyi z'ombi ow'omuwuliriza (Receiver) wamu ne nannyini kuleeta bubaka basaanye okuba nga bamanyi empuliziganya ennungi eneebayamba okutuusa oba okufuna obubaka bwabwe obulungi; wano nno balina okaluga engeri ez'ejawulo gamba ng'okweyambisa ebigambo ng'ayogera ate omulala ye ayinza okusalawo obuteeyambisa ngeri ya kwogera (non verbal communication) wano ayinza okusalawo okweyambisa obubonero okugeza okunyeenya omutwe, amaaso okulaga obukambwe, oba ekisa singa aba akkiriziganyizza n'ekyo ekyogeddwa oba obutakiriziganya nakyo. Wabula ate n'omukutu kwanaayita okutuusa obubaka obwo oba okubufuna tegusaanye kusuulibwa muguluka, gamba nga laadiyo, televizoni, enggoma n'ebilara nfaafa.

EBIZIBU ABAYIZI BA KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY BYE BASANGA MU MPULIZIGANYA

Ekikula ky'omuntu (personality) buzibu bwa maanyi, okugeza entunula embi, ey'omuntu, okwogeza ebbogo, kale ggwe singa omuntu aba n'obubaka nga bulungi okugeza omusomesa bw'aba mukambwe era nga buli ky'ayogera abogokka abayizi tebasobola kufuna bulungi bubaka olw'okutya kwe baba nakwo.

Kale bejjuukiriza tebali mu kibiina nga n'essome lye tebakyalijjumbira anti nga tebasobola kumuguminkiriza olw'embeera ye n'ekivaamu kigezo kye kubamegga.

Omunoonyereza yakizuula nti, omuntu okwetya n'okusingira ddala abasomesa wamu n'abayizi emirundi mingi abasomesa gattako abayizi, tuba n'obubaka obulungi ennyo naye ne tubulwa engeri oba ebigambo ebirungi eby'okweyambisa okusobola okuggyayo obulungi obubaka, kale empuliziganya wakati w'omuyizi n'omusomesa n'efiira awo n'obubaka bwennyini ne bubula.

Eby'obufuzi nabyo bikola kinene nnyo okugotaanya empuliziganya okugeza; omusomesa (lecturer) okuwanuuza ekibiina ky'ebyobufuzi ekimu gamba nga NRM oba DP n'awagira ekimu ku byo ate ekirala nakikonjera ebibi byokka kiviiramu abayizi ab'oluuyi olulala okumwetamwa ne batawuliriza bubaka bwe buddako kale empuliziganya n'efa (Abdu Kibuuka mukalazi, 2005)

Embeera y'obudde ng'enkuba nayo eremesa abayizi b'ettendekero eryo okufuna obubaka obulungi. Kale ggwe singa Omusomesa abeera mu kibiina enkuba netandiika okutonya kitegeeza alina kulekaana abayizi basobole okuwulira ekitali kirungi ku musomesa n'ekivaamu kwogera mpola nnyo kuba abasomesa (lectures) ba university tebettanira nnyo kuwandiika ku lubaawo. Wano nno abayizi be aba abalese mabegga kuba baba tebakyawulira.

Endowooza z'abantu ab'enjawulo engeri gye tulowozaamu ebintu eby'enjawulo nayo efeebya ebyempuliziganya mu ttendekero. Okugeza ekikulu, obuwangwa, obumanyirivu, emyaka gy'omuntu, embeera n'ebirala nagwo mutawana gwa maanyi mu mpuliziganya. Kino kiri kityo kuba buli omu amenyeddwa mu kiti kye waggulu alina endowooza ye, era yengeri gy'ajja okwagala okutuusa obubaka ku

muntu oba butuufu oba si butuufu, ekyo si kikuju ku ye. Kino ne kikosa empuliziganya mu ttendekero.

Ate omuyizi omulala okuva mu ttendekero eryo lyennyini mu mwaka (III) 2010 yakaatitiza obutaba na kwagala (interest). Kino nakyo kiri ku bantu babiri aleeta obubaka wamu n'awuliriza (receiver). Singa yeesuulirayo gwa naggamba olw'okubulwa okwagala ekyo kyawuliriza ate ne nanny bubaka naye natafaayo olw'okuba omukoowu, omulwadde n'ebirala era bubaka bufu olwo n'empuliziganya eba egotaanye.

Embeera y'omuntu embi (emotions) gamba ng'obusungu. Kale singa omusomesa asoowagana mu okuva ewuwe ate naleeta obusungu mu kibiina, kimulobera okugyayo obubaka obulungi kuba agyayo bumu na bumu ate nga tebuli mu butuufu bwabwo, Austin Bukenya (1995).

Era omuyizi omu yagamba, obufunda bw'ettendekero lino wesanga ng'abayizi ebibiina bye bayigiramu bifunda. Kino ne kireetera abayizi abamu okutuula ebweru gye batawulilira bulungi anti olw'obubaka ne bufa olw'okukoma mu kkubo olw'empuliziganya embi.

Obulemu ku mubiri gw'omuntu gamba ng'okuba kiggala naye ate ng'olina okuwuliriza omusomesa byayogera nakyo kiremesa obubaka okuka obulungi ku muwuliriza (receiver) olwo empuliziganya nebula.

Enkolagana wakati w'omuyinzi n'omusomesa okugeza abasomesa (lectures) abamu abaami beenyigira nnyo mu kuganza abayizi abawala. Wabula singa

basoowaganamu, olwo kajjampuni ng'abalagala mu bbwa anti omuwala kimubeerera kizibu nnyo okuwuliriza omusomesa oyo by'asomesa kale empuliziganya n'efa.

Wabula bino byonna bisobola okulongosebwa singa abakulu bettendekero eryo bafaayo nnyo okumanya wamu n'okusoma ku kitabo kyange kino ekyaafulumizibwa.

Ebifulumizibwa buli mwaka osanga n'ekyange mwe balikisanga ne bazuula ebizibu ebiri mu mpuliziganya olwo basobole okusala amagezi ng'ekizimba tekinasamba ddagala.

Abakozi mu mpuliziganya ezitali zimu gamba nga laadiyo, televizoni n'ebirala basaanye okulongoosa engeri gye baweerezamu obubaka ku mpewo gamba ng'okukyusa embeera zaabwe singa baba ku mpeewo kino nno kya kuyamba okuba abaweereza abalungi ate n'okweyongera okufuna emirimu.

OKUTEMA EMPENDA EZ'OKUYIMMUSA OMUTINDO GW'OLULIMI OLUGANDA WAMU N'EMPULIZIGANYA MU KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY

ENNYANJULA

Empuliziganya ennungi essaanye etwalibwe ng'ekikulu mu ttendekero lino, kuba y'emu ku ngeri eyamba okutumbula olulimi oluganda kuba tosobola kwogera lulimi bulungi nga tokozesezza mpuliziganya nnungi kale empenda zaatemwa okusobola okugonjoola ekizibu kino;

Abakulu b'ettendekero lya Kampala Internatioanl University" baaweebwa amagezi okwongera ku bugazi bwebizimbe (Lecture rooms) kisobozese abayizi okugyaamu ate n'okuwulira obulungi obubaka. Kino nno kinaabayamba okuyitira waggulu mu nsoma yaabwe.

Abayizi nabo basaanye okugenda mu kibiina okusoma nga beetegese era nga balina obwagazi mu ssomo eryo. Kibayambe okufuna obulungi obubaka.

Gavumenti yakubirizibwa okuvaayo essuule omukono ettendekero eryo oba olyawo linaafuna ebikozesebwa mu mpuliziganya gamba nga; "projector" n'ebilara.

Abasomesa (lectures) basaanye beewale ebikolwa ebibawebuula gamba ng'okwegwanyiza abayizi ekibatangira okubawuliriza obulungi singa wabaawo okusoowagana ku njuuyi zombie.

Era abakulu b'ettendekero basaanye okujjumbira okusoma ebitabo by'abayizi

ESSUULA EY'OKUSATU

ENGERI OKUNOONEYEREZA GYE KWAWUNDIBWAMU

)kunoonyereza kuno kwagendrerwaamu okupima omutindo gwo'lulimi oluganda
vamu n'empuliziganabya mu "Kampala International University' era ensonga
:ziwereko zaaweebwa nga ziyita mu bibuuzo ebiwandiike ku mpapula wamu
ı'ebyogere kino nno kyaayamba omunoonyereza okuzuka ekyamutwala.

:KIFO OMWAKOLEBWA OKUNOONYEREZA

:kifo omwakolebwa okunoonyereza kiri mu "Kampala Distulikiti" mu tendekero
ya "Kampala International Universirty" erisangibwa mu Makindye Division."

)BUNGI OBA OBUGAZI BW'OKUNOONYEREZA

)kunoonyereza mu Kampala International University kwatwalilamu abayizi
kuviira ddala mu mwaka ogusooka okutuuka mu gw'okusatu wamu n'abasomesa
bamu abasomesa mu myaka egyo.

NGERI Y'OKUNOONYEREZA N'EBYAKOZESEBWA

ino bye bintu ebyakozesebwa:

bibuuzo ebiwandiike (questionnaires) bino byawandiikibwa ng'omunoonyereza
buuza ebizibu abayizi ba Kampala International University bye basanga mu
ıpuliziganya.Okubuuza ebibuuzo ebyogere (interview) waaliwo ebibuuzo
byogere ebyabuuzibwa.

EMITENDERA OMWAKUNGGANYIZIBWA OBUBAKA

Omutendera ogwasooka kwaali kusaba lukusa eri abakulu ba Kampala International University wamu n'abayizi okuviira ddala mu mwaka ogusooka okutuuka ku gw'okusatu.

Okuwandiika ebibuuzo ebifa ku kunoonyereza.

ESSUULA EY'OKUNA

OKWANJULA EBYAKUGGANYIZIBWA N'OKUBINYONNYOLA

igendererwa ky'omunoonyereza kwali kuzuula bizibu abayizi ba Kampala :ernational University bye basanga mu mpuliziganya.Era omunoonyereza kozesa enkola ey'okubuuza ebibuuzo ebyogere maaso ku maaso (interview) amu n'ebiwandiike.

:usobola okumanya omuwendo gw'abayizi mu buli ssomo, omunoonyereza buuza ekibuuzo kino;

:IBUUZO (I)

ɔayizi bameka b'osoma nabo mu buli ssomo ly'otwala ery'obuwaze?

'sychology – 550
Guidance and Counseling - 550
ɔmmunication Skills - 550
evelopmental Studies - 550
ɔciology - 550
ıtroduction to computer - 550
ducational History
esearch
uman Growth and Development - 550

'amasomo amalala ag'obuwaze bwe guli bwe gutyo.

byazuulibwa byalaga nti abayizi mu masomo ag'obuwaze bayitirivu nnyo era 'zibu ddala okubatuuza mu kibiina ekimu ne bagyaamu era ne bawulira bulungi bubaka.

ɜ'omunoonyereza ayagala okuzuula abasomesa (lecturers) abasomesa mu buli omo ery'obuwaze yabuuza ekibuuzo kino;

ƆIBUUZO (2)

ɔasomesa (Lecturers) bali bameka abasomesa mu buli ssomo.

no bye byaddibwamu - 1

mwaka ogusooka - 1

gw'okubiri - 1

gw'okusatu - 1

te be basomesa be bamu abasomesa abayizi abasoma mu luwummula.

kusinziira ku kuddamu kw'abayizi, omunoonyereza yeekeneenya n'alaba nti basomesa abakozesebwa ba muswaba oba olyaawo bakoowa na nnyo ne ibaviiramu obutatuusa bubaka bulungi ku bayizi.

)kusobola okumanya engeri abasomesa (lectures) gye batuusaamu obubaka ku ayizi, ekibuuzo kino kyabuuzibwa.

ƆKIBUUZO (3)

Abasomesa (lectures) abakusomesa bakutuusaako batya obubaka?

ƆKUDDAMU

Bayimilira mu kifo kimu ne basomesa okutuusa lwe bamala.

Okusinziira ku kuddamu okwo, omunoonyereza yalaba enkola eno tesobozesa bayizi bonna kuba nga bafuna obubaka okugyako ababa bafunye omukisa okutuula mu maaso.

)kusobola okumanya obuzibu abasomesa (lectures) bwe basanga nga basomesa, ımunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino;

KIBUUZO (4)

)somesa abayizi ba miruindi emeka mu ttendekero lino?

)KUDDAMU

Au buli mwaka ninayo bensomesa.

ino nno kyalaga nti abasomesa nabo baba bakoowa, kuba balina omujjuzo w'abayizi.

)munoonyereza okusobola okumanya oba mu ttendekero mulimu abayizi abalina bulemu yabuuza ekibuuzo kino.

KIBUUZO (5)

)lina buzibu ku mubiri gwo obuyinza okukutangira okufuna obulungi obubaka?

)KUDDAMU

isobola kuwulira bulungi singa omuntu tandi kumpi amatu malwadde.

)kusinziira ku byaddibwamu, omunoonyereza yakizuula nti singa omusomesa aba kumpi na bayizi ate nga n'omujjuzo gususse, abayizi abalina obulemu ıaddala ku matu tebasobola kuwulira bulungi.

)munoonyereza ng'ayagala okuzuula ekigaana abayizi okuba mu masomo agamu, abuuza ekibuuzo kino;

KIBUUZO (6)

funa ekifo aw'okutuula buli lw'ogenda mu kibiina (lecture Room)?

sanga abayizi baabituddeko dda ne ndaba nga nggenda kutuula bweru, kale by'okusoma ne mbivaako.

ESSUULA EY'OKUTAANO

OKBAGANYA EBIROWOOZO OKUFUNDIKIRA N'OKUWEERERA

ıbasomesa naddala abasomesa amasomo gobiwaze

)kunoonyereza kwalaga nti ettedekero lya Kampala International University irimu abayizi bayitirivu ate nga n'ebibiina mwe basomera tebibamala wamu ı'abasomesa ab'omuswaba, abatasobola kutuusa bubaka ku bayizi olw'obukoowu ɔwe baba nabwo. Kino nekiraga nti empuliziganya mu ttendekero lino ekyali ızibu ddala.

Wanno nno singa abasomesa (lectures) beeyongerako wamu n'okugaziya ku bibiina olwo empuliziganya eneeba nnungi. Kino kisoboka singa abakulira etendekero lino bafaayo kubyetaago byalyo.

Omunoonyereza yazuula mu bulambulukufu nti abakulu ba University beesuulirayo gwa nnaggamba ku kuzuula ebizibu abayizi bye basanga mu kusoma ekitali kirungi. Kino kibafiiriza bingi omuli n'okuwuliziganya n'abayizi babwe basobole okukola ebitwala etendekero lino maaso.

Olw'abayizi okubulwa okwagala wamu n'abasomesa baabwe, empuliziganya tesobola kuba nnungi anti asomesa tasomesa bulungi ate n'awuliriza tawuliriza bulungi. Obwagazi bw'abayizi buno busobola okutondebwawo singa empuliziganya yabwe n'abasomesa eba nuggamu.

Ekikula ky'omuntu (personality) gamba ng'okutunuza ekkabyo, okuboggola ng'osomesa, kitangira abayizi okuwuliriza obulungi olwo empuliziganya

n'egotaana. Kino abasomesa b'omutendekero lino bakikozesa nnyo naddala bwebaba n'ebizibu eby'engeri ezitali zimu. Kion kiretera abayizi babwe okubewala n'okutta empuliziganya ennungi.

Embeera y'obudde ng'enkuba etangira abayizi okuwulira obulungi obubaka omusomesa bw'abatusaako. Wabula kino kiba kyakaseerabuseera anti embeera y'obudde mu Uganda teba y'emu okumalako omwaka.

Enkolagana wakati w'omuyizi omuwala wamu n'omusomesa omusajja gamba ng'omusomesa okuganza omuyizi ate oluvannyuma ne bafuna obutategeragana. Kino kikolebwa abasomesa abalina emyoyo emitono egiterekereza, wade okwesamu ekitiibwa.

Obulemu ku mubiri gw'omuntu gamba ng'okuba nga omuyizi tawulira bulungi singa omusomesa aba tamusemberedde kumpi. Kino kibeerawo olusi nga kiva kubuzaale bw'omuntu oba ebizibu ebimugwako nga agenda akula ekimuviirako okugotaanya empuliziganya.

Mpenda ezisobola okumalawo ebizibu mu mpulizigenya mu ttendekero lya Kampala International University, wamu n'okyumbula omutindo gw'olulimi oluganda.

Abakulu bettendekero lino, basaanye okwongera ku bugazi bw'ebizimbe (lecture rooms), kisobozese abayizi okuggyaamu ate n'okuwulira obulungi ebisomesebwa. Kino singa bakikola ebizibu bingi ebiva kumpuliziganya bijja kuba bigonjodwa

Gavum,enti nayo esaanye eveeyo essule attendekero lino omukono lisobole okufuna obuyambi wamu n'okwongera ku bikozesebwa gamba nga ebibiina wamu n'obuzindaabo okusobola okutuusa obubaka obulungi. Anti amatendekero gano newankubadde gabwananyini naye gayamba okugunjula abaana b'eggwanga. Ate nga kiyamba e ggwanga okugenda mu maaso.

Abayizi balina okugenda mu kibiina nga beetegese era nga balina obwagazi, olwo nno lwe banaafuna obubaka obulungi. Kino kiri bwekityo kubanga enkola y'omubiri ekwatagana n'ebwongo.

Abasomesa balina okweewala ennyo ebikolwa ebibawebuula gamba ng'okuganza anayizi ate oluvvannyuma ne kibalemesa okukwata bye basomesa. Kion nematendekero bakibakuttira newankubadde waliwo abasomesa basekinomu abalemererwa okwefuga.

Ekitongole ky'ebyengigiriza nakyo kifeeyo nnyo ku kunoonyereza ebizibu abayizi bye basanga mu mpuliziyanga. Kino kisoboka singa bakimanya nti emilimo

/abwe giyamba bantu so si kutuula mu ofisezi zabwe n'ebatamanya kigenda ıaaso wansi mu bantu.

kalowoozo eri abanoonyereza abajja;

. Abanoonyereza abajja bandisaanye ku mugaso oguli mu masomo ag'enjawulo ag'obuwaze abayizi ge batwaala, oba olyaawo nga n'agamu tebagaagala, nga kye bava batafaayo kuwuliriza bulungi kuba tebalaba mugaso gwaago.

.. Banonyereze kungeri empuliziganya gyeziggamizamu enkulakulana ya Kampala International university.

ƆKUWERERA

Abakulu b'ettendekero lino kibakakatako okunoonyereza ebizibu abayizi mu ttendekero lyabwe kino kibasobozese okumanya ebyetaagisa mu mpuliziganya, gamba ng'okwongera ku bugazi bw'ebibiina (lecture rooms) wamu n'okugula emizindaalo gye bakozesa nga basomesa.

Abasomesa (lecturers) bafube nnyo okweesonyiwa ebizibu bye baalese eka. Kino kibasobozese okutuusa obulungi obubaka ku bayita wano bombi omusomesa bajja kuganyuluwa ng'omuyizi ayise bulungi ebigezo.

OKUFUNDIKIRA

Okunoonyereza kwalaga obufunda bwa University eno, anti tebagya mu bibiina, ekitabasobozesa kusoma. N'oilwekyo wazulibwawo obwetavu obw'okugaziya university eno naddala nga bazimba ebibiina ebyo'kusomesazamu.

EBIJULIRO

BUKENYA AUSTIN (1995): The Skills of English.
University Press,
New York

HILL INC. JAMES (1966): Improving oral communication;
United States of America

KIBUUKA ABUDUL (2003): A comprehensive introduction to
key concepts in communication.
America

STEWART LT.V (1971): Speech and communications.
Brown Company Publishers.

WOLE SOYINKE (1962): The lion and Jowel
Oxford University

WRIGHT ANDREW (1981): Visual Materials for the language teachers.
Longman Ltd

AKAWAAYIRO I

EBIBBUZO EBY'OKUDDIBWAMU ABAYIZI

Nkusaba n'obwegenderezay, oddemu ebibuuzo bino wammanga ebikwata ku bizibu abayizi ba "Kampala International University" bye basanga mu mpuliziganya

EKITUNDU A

1. Obutonde bwo:.....
2. Amasomo gotwaala:.....
3. Omwaka mw'oli:.....

EKITUNDU B

4. Abayizi bameka b'osoma nabo mu buli ssomo lifotwala?

   .....

5. Abasomesa bali bameka mu buli ssomo?

   .....

6. Bizibu ki by'osanga mu mpuliziganya

   .....

   .....

   .....

   .....

7. Ofuna omukisa buli leesoni okufuna ekifo w'otuula?

   .....

8. Abasomesa abakusomesa bakutusaako batya obubaka?

.....

9. Olina obulemu ku mubiri gwo?

.....

10. Magezi ki goowa agasobola okuyamba okutumbula empuliziganya wamu n'olulimi oluganda

.....

.....

.....

Weebale nnyo

AKAWAAYIRO II

EBIBBUZO EBY'OKUDDIBWAMU ABASOMESA

Nsuba n'obwegendereza, oddemu ebibuuzo bino wammanga ebikwata ku bizibu abayizi ba "Kampala International University" bye basanga mu mpuliziganya

1. Osomesa masomo ki mu ttendekero lino?

   .....

2. Mu buli ssomo mulimu abayizi bameka?

   .....

3. Abayizi b'osomesa ba mwaka ki?

   .....

4. Omaze emyaka emeka mu ttendekero lino?

   .....

5. Abayizi abafuna "first class degree" bali bameka okuva lwe wajja mu ttendekero lino?

   .....

6. Okozesa nkolaki okusobola okutuusa obubaka ku bayizi bo?

   .....

7. Muli basomesa bameka abasomesa amasomo g'osomesa?

   .....

8. Bizibu ki by'olaba abayizi bye basanga mu mpuliziganya

   .....

   .....

   .....

Ng'omusomesa abayizi obawa magezi ki wamu n'abasomesa ba Kampala International University okusobola okutumbula empuliziganya wamu n'olulimi oluganda

.....

.....

.....

Weebale nnyo